
# EBYAFAAYO EBITONO KU BULAMU BW'OMUGENZI AGNES NAKYANZI

**Yazalibwa mu:** February 1981
**Yafudde nga:** 1st December 2021

**Bazadde be:**
**Taata:** Mr. John Kasiita Musisi
**Maama:** Miss: Margaret Namubiru (RIP)



# EMISSA EYOKUSABIRA OMUGENZI AGNES NAKYANZI

## PRELUDE:
## Nnamugereka Katonda

Nnamugereka Katonda Omukumi wange,
Ggwe buggaga bwenterese;
Biri mu ggwe byonna ebyange, ggwe busika bwange.
Mbeerera muyambi ggwe aliba empeera yange;
Mukama essubi ly'abanoonya,
Nnyweza nkuweereze, nkutuuke gy'obeera.

Verses
Jjinja ery'omuwendo erinnonyezebwa wonna Ye ggwe ayi Mukama.
Akusanga aba yeesimye ggwe anti Entabiro y'ebirungi byonna;
Ssegomba bitiibwa bya nsi enno, Buggaga na masanyu gabyo,
Bayita kkuutwe; ayi Mukama w'oli biba kantu ki?

Ku bakwemaliza ggwe ssanyu ye ggwe dembe, Ggwe maanyi ga balwanyi
Abakuwereza olibaweera, ggwe Ow'obwenkanya omuzirakisa
Abakwesiga – tebaliswaala.

Abakweyuna abo beesimye balimatira, Balijuka ki?
Balibulwa ki ate abakusenga nga ggwe olina byonna?
Ggwe nnyini byonna, ggwe ntabiro,
Ensulo y'ebirungi eby'olubeerera.

Nzuuno nno, obulamu bwange mbuuza wuwo,

Mu kissa kyo, ggwe wantonda, Nneewa ggwe leero.
Ggwe Nnantalemwa, Ggwe nsinza Mukama wange,
Nzuuno nsenza mbe naawe.

a) Ombeereranga kikubagizo,
Ttala ey'okumulisa mu makubo gange.
b) Mu lutalo lw'omunsi muno onnyambanga,
Notandeka kugwa mu mikono gy'abalabe bange.
c) Onnyambanga n'omukono gwo ogwa ddyo,
Nompa okuwangula abalabe bange.
d) Onnywezanga n'eneema yo etaremwa Mukama,
N'onnyamba nenkuweereza.
Ng'obwomunsi buweddeko ontwalanga gy'obeera, N'om-
balira mu babo.

## TULIZUUKIRA (Fr. James Kasirye)

Tulizuukira ffenna tulizuukira
Ffe mu Kitiibwa kya Yezu ku lw'oluvanyuma, (kw'olwo)
Tulizuukira, ffenna tulizuukira
Ffe mu Kittibwa kya Yezu ku lw'oluvanyuma.

Nga Kitaffe bwe yazukiza omuwerezaawe oyo Yezu,
Naffe twesiga, ra tukakasa, ffenna abamumanyi ng'al-
ituzuukiza.

Ng'Omukama bweyayogera nga ye w'obuyinza obungi,
Naffe twesiga era tukakasa , ffenna abamumanyi ng'al-
ituzukiza

Ng'Omukama bweyayogera nga ye wobuyinza obungi
Naffe twesiga era tukakasa , ffenna abamumanyi ng'al-
ituzukiza

Yezu Mukama yayogera nti Omuwereezawe ng'afudde
Tuli bumbula, kuba alizuukira, ng'ensi eno eweddewo ku lwoluvanyuma

Yezu Mukama yayogera nti, Omugaati gwaawa gwa maanyi
Anto gw'ofuna ye Yezu Mukama, ajja okuzukiza abo bonna b'amanyi.

## OKUYINGIRA:

### Fuba fuba eggulu ye empeera

**Ch: Fuba fuba eggulu ye empeera x 2**

1Eggulu ye empeera, Kigambo kya
kitiibwa Noonya mu ssanyu lyonna
Lino lye lisinga

2.Eggulu ye empeera,
Mu nnaku zo omukristu,
Toterebuka nywera,
Ng'osuubwa eggulu

3.Eggulu ye empeera,
Emikwano gy'oku nsi
Gyonna giriba gya ki
Yezu bw'omufiirwa

4.Eggulu ye mpeera Antwala ye
Katonda Ky'andagira nkitu-usa
Nga sseemulugunya.

5.Eggulu ye mpeera.
Ne bwe bananvumanga,
Mu mwoyo siinyiigenga
Bo nga mbasonyiwa.

6.Eggulu ye mpeera Ennaku nga ziwedde Tulibeera mu ddembe
Emirembe gyonna

# KYRIE:

# ESSOMO 1:

# OKWEBUULIRIRA

# BESSIMYE ABO ABAFIIRA MU MUKAMA

Ekidd: Ba mukisa abafiira mu Mukama, Ba mukisa abafiira mu Mukama
Besiimye, besiimye, besiimye abo.
Nga besiimye, nga besiimye, nga besiimye abafiira mu Mukama

1. Baali besigwa ku nsi ne bamuwereza oyo Katonda
Kati bali wamu n'Omukama mu kiwummulo eky'oluberera.

2. Mwoyo agamba okuva kati okukola kuwedde,
Mwoyo agamba okuva kati okutegana kuwedde,
Ebirungi bibagoberera, byebakola bye bagenze nabyo

3. Bawummudde, bawummudde mu Mukama, bawummudde mu ddembe

# ESSOMO II:

# OKWANIRIZA EVANGIRI ALLELUIA, ALLELUIA

# EVANJIRI:

# EBIRABO (OFFERTORY):

## Tweyanziza ssebo

## Oggya ku bugagga bwo

**Oggya ku bugagga bwo Mukama wange**
**gwe n'ongagawaza**
**Ebyo bye mpita ebyange byonna bibyo.**
**Njigiriza nange okutoola kwebyo by'ompadde mbikud-dizenga;**
**Njigiriza nange okutoola kwebyo by'ompadde,**
**Ngagawaze abalala.**

1. Ebirabo byendeese biibino biva mukutegana kwange,
Omutima gwange ne byennina gy'oli biba bya ttendo.
Eby'ennaku n'eby'essanyu Taata mbikuddiza byonna,
Obunnafu bwange n'ebinnema by'ebirabo bye ndeese.

2. Obulamu bw'ompadde Mukama bujjudde emikisa,
Kitange nneyanzizza ebirungi ontonnedde bingi.
Mukutuusa bye nteekwa okukola mbeere kitangala,
Mukusasira nenzigwerera mbayambe balabe ekubo lyo.

3. Amaanyi n'amagezi bye wampa okuva mubuto bwange,
Okubyeyama nentetenkanya ebilala nga nfunye bingi.
Bwe bugagga kwe ntodde Mukama ne nkudiza nyinibyo
Obitwala gwe Namugereka by'ebirabo bye ntodde.

4. Abayonta n'abawammu Mukama, abatalina kantu,
Bangi abaneetoledde Ddunda abaddagira gwe.
Kantoole ku byompadde ebingi mukutegana kwange,
Bafune emmere ya leero ettendo lyo bayimbe.

## HOLY: HA! HA! HA! MUKAMA

Ha, ha, ha, Mukama, Mukama, Mutukirivu
Mutukirivu, Mutukirivu. Ha ha ha ha ha, Katonda wa magye
Mukama,
Mukama, wonna osusse e kitiibwa

Ekitiibwa ky'Omukama kijjudde,
Kibukadde buli wamu mu ggulu n'ensi,
Ekitiibwa ky'Omukama Katonda, Kisuffu tumutenda x2

Hosanna hahaha ffenna tukutenda
Men, ffenna
Oh wonna, hosanna (Omutiibwa) gyoli tukutenda
Waggulu waggulu eyo

Tumutenda nyo tumuwa ekitiibwa, Wamukisa oyo ajja ajja,
Ffe tumutenda nyo, tumutenda nyo
Tumugulumiza nyo oo ajja mu linya ly'Omukama

## LAMB: AKALIGA KA KATONDA

Akaliga Ka Katonda (Yezu)

Akaliga Ka Katonda Kristu Ggwe agyawo ebibi by'ensi Tusasire, Tusasire x2

Akaliga Ka Katonda (Yezu)

Akaliga Ka Katonda Kristu Ggwe agyawo ebibi by'ensi
Tuwe emirembe, Tuwe emirembe, Tuwe emirembe, Tuwe emirembe, x2

## OKUSEMBERA (COMMUNION):

### MUGULEWO YEZU ATUUSE (109)

EKIDD: Muggulewo, muggulewo Yezu atuuse
Ayingire, ayingire mu mutima egyammwe Nnessimye leero nange
Okukyaza nze Omulokozi x2

1 Mulabe amagero Katonda Mwana, Mulabe amagero okujja omwange.
Nze ani nze gw'okyalidde  Nze ani nze nange omwolo?

2.Oh Kristu ggwe Kotonda O Kristu ggwe akaliga
O Kristu ggwe Omukama Osiimye otya okujja omwange?

3.Laba ekitiibwa kye nfunye nze Okukyaza omutonzi w'eggulu
Sso nga nze sisaanidde Leero nange nnesiimye.

4.O Omukama ggwe Katonda Leero nange akukyazizza
Nze nfuuse ennyumba yo kati nsiimye nnyo okujja omwange.

### MIREMBE OMUKAMA

Mirembe Omukama! Ai Yezu Omwagalwa!
Siyinza kwogera, Leero nkusinze ntya?
Mujje mwe Bamalayika, namwe banna ggulu mwenna
Tusinzize wamu, Nnyini butukuvu.

Ayi Yezu, nkwebaza ku lwonkukyalira!
Leero nkweyanze ntya nga bwekisaanira!
Essanyu limbugaanye nyo nga nekkanya ebitone byo,
Onyambye webale, wamma gwe onsasiidde.

Nkusanyuse naki, laba bwendi bwendi
Ebyange z'ensobi, nsale magezi ki?
Mmanyi nefuule omuddu wo, kannwere mu busenzebwo.
Bwentyo nkwewongere, nga Ggwe bw'onnewadde.

Nnyweeza ne nneema yo, nkwate ebiragiro
Gumya Ekelezia wo akuume abaana bo
Abonoonyi bakomyeewo mu Tabernakulo yo,
Tuwe emirembe gyo, mu Ssakramentu lyo.

Ayi Mannu entukuvu, Mugaati gw'eggulu,
Tuwe obunyikivu, n'ensa mu mirimu
Ggwe entanda y'abatambula, Ggwe ndasi z'abazirika
Ggwe eddaala ettukuvu, tulinyise eggulu

## OKUGANZIKA EBIMULI (LAYING OF WREATH)

## EMYOYO GY'ABATWALIBWA (FR JAMES KABUYE)

1. Emyoyo gy'abatwalibwa mu Purigatori, ginyolwa nga gisasula, ebbanja ery'ebibi

2. Kimu kyokka gisuubira okulaba Yezu, n'okwesiima, n'okubbira mu ssanyu erijjuvu

3. Ensinda gye gisindamu mu nsi tesangika, n'enkaaba gye gikaabamu nao tegambika.

4. Esaala gy'onosoma, yenegyanguyiza, essanyu eritakoma lyetugisaanyiza

5. Katonda yamba abaana bo, ababonabona, era tuma ababakabo babawonye bonna.

## THANKS GIVING (OKWEBAZA)

### TITULABANGA
### CHORUS

Ekidd: Titulabanga wadde okumanya wadde okulegako, ku
birungi by'ategese - Ddunda
By'ategese olw'abo abamwagala, mikwano gye -Ddunda
By'ategese olw'abo abamwagala, mikwano gye.

1.Tuli balamazi ffe abatambuze, ku nsi kuno tuli bayise,
Twesunga ffe tulinda nnyo okutuka gye tulibeera,
Bye tuyita ebyaffe bitono nnyo, ebingi biriba eri,
Eby'eno biyita ne biggwaawo, eby'eri bye by'olubeerera,
Obulamu obweno bwa luwunguko, obweri bwebw' ol-
ubeerera.
2.Abaliba balwanye abazira ennyo
Abaliba bakuumye endagaano
Bebalibeera eyo mu ggulu eri ffe gye tulaga abalamazi.

b. Abevaamu abo Ne bamusenga
Abewaayo abo Ne bamuweereza
Bebalibeera eyo mu ggulu eri mu maaso g'Akaliga.

c. Abaliba bakuumye Ebiragiro
Ne babonaabona abo Olw'erinnya lye
Be balituula abo ku mukono gwe, ku gwa dyo gw'Akaliga.

3.Ffenna twesunga tulitukayo
Singa tulinyweza by'atugamba oli
Singa twekemba ne twevaamu
Bw'obulamu era tulibufuna eri
Nga walungi nnyo gye tulibeera
Nga beesiima Abamwagala oli
Ku nsi tulidooba olw'erinnya lye

Eri tulisanyuka, tulijaguza oli katonda, Katonda, Katonda.

## OKUFULUMA (EXIT):


## KATONDA ALIBAWEERA

**Katonda alibaweera abakola obulungi, katunywere tufube**
**Laba Yeruzalemu ekibuga ekikulu, ly'eggulu y'empeera y'eka ewaffe.**

1. Obeeranga mwenkanya ng'olamula omugwira n'omu-naku tomugoba.
Bw'oyamba abanaku ng'oyambye ye alikuweera.

2. Ogunjulanga abaana mu ddiini, bwe butume obusooka.
Obutume bwa Kristu abutuusa ye alimuweera.

3. Ekisulo ky'ensi eno kyaluwunguko, ku nsi kuno tuyita lumu.
Emirembe emituufu gye giri eri ew'omukama.



# MESSAGE OF THANKS

It's in times like this that the true blessing of family and friends are realized.
Words cannot express our deep gratitude for your loving expression of sympathy and comfort
May the good Lord bless each of you for your love and support.